# Ekisaakate kiri mu ggiya



Swimming pool egenda okukuzesebwa.



Ekisaawe kya ttena.



Emmeeza ya table tennis ng'etereezebwa.

ENTEEKATEEKA z'ekisaakate ky'emizannyo ekya 'Future Stars 10-Day Multi-Sport Residential Holiday Training Camp' ekitandika omwezi ogujja (December 7 ne 17, 2025) ziri mu ggiya, oluvannyuma lw'abategesi okulambula n'okukakasa ebisaawe ebinaakozesebwa.

Kigenda kubeera mu masomero ga Gayaza Junior ne Gayaza High School (Girls). Okulambula ebifo bino kwakulembeddwa abakulira ebyemizannyo ku masomero gano okuli; Paul Nadide (Gayaza High) ne Daniel Kasawuli (Gayaza Junior).

Ebifo ebyalambuddwa mwemuli; ebisaawe bya table tennis, ttena, okubaka, omupiira, ssaako swimming pool. Nadide yakakasizza nti beetegefu okukyaza abanaabeera mu kisaakate kino.

"Tukoze ekyetaagisa okulaba ng'ebifo emizannyo we gigenda okuzannyirwa bituukana n'omutindo oguwa abato okubangulwa okutuufu," Nadide bwe yategeezezza.

Ng'oggyeeko ebyemizannyo, abaana baakubangulwa mu bintu ebirala eby'omugaso okubabuulirira ku misomo n'emirimu, n'ebirala.